

EAST AFRICAN CRUDE OIL PIPELINE

EACOP UGANDA

# OKUTEGEEZA ABAKOSEDDWA BYEBATEEKWA OKUFUNA WAMU N'OKUSSA OMUKONO KU NDAGAANO EZ'OKUBALIYIRIRA

November 2021



# Okutegeeza abakoseddwa wamu n'okussa emikono ku ndagaano z'okubaliyirira

Okutegeeza abakoseddwa pulojekiti ku byebateekwa okuweebwa wamu n'okussa omukono ku ndagaano ez'okubaliyirira bikulu nnyo nga tebannaba kusasulwa nsimbi ez'okubaliyirira.

## OMUTENDERA




## OKUNNYONNYOLA

Olukunnaana wakati w'eyakosebwa ne mukyala we, EACOP ne Gavumenti ya Uganda. Kontulakita wa EACOP alaga eyakosebwa n'emukyala we Endagaano ey'okubaliyirira nga eraga mu bujjuvu ebikwata ku nsimbi enzimbi ezinaabaliyirirwa n'ebirala byebateekeddwa okuweebwa.

Olwo eyakosebwa pulojekiti abeera alina ekiseera kya wiiki 2 okwefumiitiriza okusobola okusalawo ku ndagaano eyo.

Era wabaawo olukunnaana olulala wakati w'eyakosebwa ne mukyala we, EACOP ne Gavumenti ya Uganda. Singa bonna bakkiriziganya, olwo endagaano ey'okubaliyirira n'essibwako emikono.

EACOP esasula ensimbi ez'okubaliyirira ku akawunti y'oyo eyakosebwa ne mukyala we eri mu Centenary Bank mu bbanga lya nnaku 30 okuva Endagaano lweyassibwako emikono.

*Ssinga eyakosebwa wamu ne mukyala we baba tebalina Ndagamuntu oba akawunti mu Centenary Bank, olwo basasulwa mu bbanga lya nnaku 30 okuva lwe bafunye Endagamuntu n'okuggulawo akawunti mu Centenary Bank.

# Endagaano y'okuliyirira kye ki?

- Endagaano ey'okuliyirira y'endagaano mu mateeka ekolebwa wakati w'eyakosebwa ne mukyala we, Gavumenti ya Uganda ne EACOP.
- Ekuuma eddembe ly'eyakosebwa mu mateeka era ebagiddwa ng'egoberera amateeka ga Uganda.
- Abantu bonna abassa emikono ku ndagaano eno ey'okuliyirira abakoseddwa bakkaanya nti ekitongole kya EACOP kiggya kusasula ensimbi ez'okuliyirira eyakosebwa olw'ettaka lye n'ebyobugagga bwe era oluvannyuma lw'okuliyirirwa, obwannanyini bw'ettaka bwaakuzzibwa mu mikono gya Gavumenti ya Uganda okusobozesa EACOP okuzimba omudumu gw'amafuta n'okutandika okulikozesa.
- Endagaano ez'okuliyirira ziraga mu bujjuvu byonna ebikwata ku kuliyirira abo abaakosebwa pulojekiti ku ttaka lyabwe n'ebyobugagga, nga bwekiragibwa mu alipoota za Gavumenti ez'ababalirizi.
- Era eraga mu bujjuvu okuliyirira bwekuli wamu n'ebirala abakoseddwa byebateekeddwa okuweebwa okuva mu pulojekiti eri abo abaakosebwa pulojekiti– okugeza okubaddizaawo ennyumba, okuyambibwa okw'ekiseera (okubawa ku mmere okumala ekiseera), okusengula ebiggya wamu n'okuzzaawo engeri gyebayimirizaawo mu by'ensimbi eri abo bonna abaakosebwa pulojekiti.
- Oluvannyuma lw'okussa emikono ku ndagaano z'okubaliyirira, okusasulwa ensimbi ez'okubaliyirira wamu n'abaakosebwa okukakasa nti basasuddwa, EACOP ejja kuwa oyo eyakosebwa ekiwandiiko eky'okwamuka ettaka eryo mu bbanga lya myezi esatu. Kino kijja kusobozesa oyo eyakosebwa pulojekiti mu bbanga ery'emyezi esatu okukungula ebirime bye, okujjawo ebintu byeyetaaga okukozesa ku nnyumba ye wamu n'okusenguka okuva ku ttaka.

# Endagaano za EACOP ez'okuliyirira abaakosebwa pulojekiti

## Edagaano ez'okuliyirira abaakosebwa za mirundi ebiri:

1. **Endagaano ey'okuliyirira abaakosebwa nga bweragibwa mu mateeka g'eggwanga** okuliyirira abaakosebwa okusinziira ku alipoota y'omubalirizi wa Gavumenti omukulu-essibwako omukono gw'eyakosebwa ne mukyala we, Gavumenti ya Uganda ne EACOP.

Statutory Compensation Agreement PAP REF. No. XXX/XXX/XXX

**CONTENTS OF STATUTORY COMPENSATION AGREEMENT:**

| | |
|---|---|
| Form A: | PAP Verification & Identity Documents |
| Form B: | Compensation Agreement |
| Form C: | Certificate of Attesting Witness |
| Form D: | Certificate of Translation |
| Form E: | PAP Bank Account Details |
| Schedule 1: | Summary of Statutory Compensation |
| Schedule 2: | Detailed Compensation Schedule – LAND |
| Schedule 2-1: | Detailed Compensation Schedule - UNVIABLE RESIDUAL LAND |
| Schedule 3: | Detailed Compensation Schedule – STRUCTURES, DEVELOPMENTS, IMPROVEMENTS AND GRAVES |
| Schedule 4: | Detailed Compensation Schedule – CROPS & TREES |

2. **Endagaano ey'okuliyirira abaakosebwa pulojekiti wamu n'ebintu ebirala byebateekeddwa okuweebwa** – Essibwaako emikono omuli ogw'eyakosebwa ne mukyalawe wamu ne EACOP. Mulimu:

- Okuliyirira bonna abaakosebwa pulojekiti.
- Eri abaakosebwa bonna abakwatibwako:
  - Okubaddizaawo ennyumba
  - Okusengula ebiggya n'okubawa ensako ey'okuziika ebisigala by'abantu baabwe
  - Okuyambibwa okw'ekiseera (okubawa emmere okumala ekiseera ekigere)
  - Okuzzaawo engeri gyebeyimirizaawo mu by'enfuna

EACOP Project Compensation Uplift and Additional Entitlements Agreement PAP REF. No. XXX/XXX/XXX

**CONTENTS OF EACOP PROJECT COMPENSATION UPLIFT AND ADDITIONAL ENTITLEMENTS AGREEMENT**

| | |
|---|---|
| Form A: | PAP Verification & Identity Documents |
| Form B: | EACOP Project Compensation Uplift and Additional Entitlements Agreement |
| Form C: | Certificate of Attesting Witness |
| Form D: | Certificate of Translation and Verification of Signature |
| Form E: | PAP Bank Account Details |
| Schedule 1: | Details of Additional Entitlements Being Provided by the Project |
| Schedule 1-1: | Design of Replacement House provided by the Project In-Lieu of Monetary Compensation |
| Schedule 1-2: | Grave Relocation Assistance |
| Schedule 1-3: | Livelihood Restoration Support |
| Schedule 1-4: | Transitional Support |

# Endagaano za EACOP ez'okuliyirira abaakosebwa pulojekiti

EBIKULU MU NDAGAANO Z'OKULIYIRIRA ABAAKOSEBWA:

**Olupapula A: Okukakasa eyakosebwa n'ebiwandiiko ebimukwatako** (endagamuntu n'ebikwata ku buli eyakosebwa ne mukyala we)

**Olupapula B: Endagaano ez'okubaliyirira** (Ekiwandiiko ekikwata ku kubaliyirira wakati w'abakola endagaano – omuwendo ogulina okubaliyirirwa)

**Olupapula C: Satifikeetu ekakasa ababaddewo nga abajulizi** (looya okukakasa n'okuba omujulizi ku ndagaano eyo)

**Olupapula D: Satifikeeti ekakasa okukyusa endagaano mu nnimi ennansi** (ekiwandiiko ekikakasa nti endagaano yakyusibwa mu lulimi olunnansi)

**Olupapula E: Ebikwata ku akawunti ya Banka ey'oyo eyakosebwa pulojekiti** (amannya agali ku akawunti ya banka n'ennamba ensimbi ez'okuliyirirwa kwezinaasasulirwa)

**Ebirala** – Muno mulimu mu bujjuvu ebikwata ku kuliyirira abakoseddwa wamu n'ebyo ebirala byabateekwa okufuna (laba ku muko oguddako).

# Endagaano za EACOP ez'okuliyirira abaakosebwa pulojekiti

## 1. Endagaano ey'okuliyirira abaakosebwa nga bweragibwa mu mateeka g'eggwanga:

- Okulaga mu BUFUNZE okuliyirira okwesigamye ku alipoota y'omubalirizi wa gavumenti omukulu
- Ebikwata ku kuliyirira mu bujjuvu:
    - Ettaka
    - Ebizimbe, enkulakulana, ebiddaabiriziddwa wamu n'amalaalo
    - Ebirime n'emiti

# Endagaano za EACOP ez'okuliyirira abaakosebwa pulojekiti

## 2. Endagaano ey'ennyongeza mukuliyirira abaakosebwa pulojekiti wamu n'ebintu ebirala byebateekeddwa okuweebwa:

**Pulojekiti Y'ennyongeza Okuliyirira Abaakosebwa:** Okutwala akadde okufumiitiriza ku budde okubalirira lwe kwamalirizibwa, EACOP eyongeezako abo bonna abaakosebwa ku nsimbi ezibaliyiriddwa nga bweziragiddwa mu alipoota y'omubalirizi omukulu owa gavumenti.

- Ennyongeza mukuliyirirwa ebalirirwa ku bitundu 15% ku buli kikumi eby'okuliyirirwa okwakakasibwa omubalirizi omukulu owa Gavumenti ku buli mwaka oguyitawo oluvannyuma lw'okumaliriza okubalirira.

| | Ennaku z'omwezi okubalirira lwe kwaggwa: | Emyaka emijjuvu okuva okubalirira lwe kwaggwa: | Okwongeza okuliyirirwa kwa EACOP : |
|---|---|---|---|
| Abali muluwenda omuyita omudumu gw'amafuta | April 2019 okutuuka mu May 2019 | 2 | Emyaka 2 x 15% = **30%** |
| Abali mubitundu eby'enkambi z'abakozi (1, 2, 3 ne 4) | June 2018 | 3 | Emyaka3 x 15% = **45%** |
| Abali mu bitundu omunaayita enguudo ezituuka mu nkambi 3 n'enkambi 4 | March 2019 | 2 | Emyaka 2 x 15% = **30%** |

## Abaakosebwa bokka bekikwatako:

- **Okulondawo okuzimbirwa ennyumba** nga yakuzimbibwa EACOP mu kifo ky'okuweebwa ensimbi enkalu.
- **Okuyambibwako okw'ekiseera** (Okuweebwa emmere okumala ekiseera ekigere).
- **Okuyamba okuzzaawo emirimu egy'okweyimirizaawo mu by'enfuna:** EACOP ejja kuwa obuyambi obw'okuzzaawo emirimu egy'okweyimirizawo eri abo bonna abaakosebwa pulojekiti oba okulongoosaamu mumbeera zaabwe oluvannyuma lw'okusengulwa. Ebikwata ku buyambi buno mu bujjuvu bijja kunnyonyolwa abo abaakosebwa pulojekiti mu bbanga lya myezi esatu nga tebbanaba kuweebwa kiragiro kya kusenguka okuva ku ttaka.

# Eddembe ly'abaakosebwa pulojekiti mu kiseera kino

## Mu kiseera kino abaakosebwa bateekeddwa okumanya bino wammanga:

- Okukyusa mu nnimi ennansi byebateekeddwa okuweebwa wamu n'endagaano ez'okuliyirirwa ebinaweebwa eri buli yenna eyakosebwa abyetaaga.
- Abaakosebwa tebateekeddwa kusindikirizibwa oba okuwalirizibwa okussa emikono ku ndagaano ez'okuliyirirwa naddala singa baba balina kyebebuuza oba kyebatategedde.
- Singa eyakosebwa pulojekti aba takkiriziganya na nsimbi ezimuliyiriddwa, tateekeddwa kussa mukono ku ndagaano ez'okuliyirirwa era ajja kuwaayo okwemulugunya kwe.
- Abaakosebwa pulojekit balina wiiki bbiri (2) ez'okwefumiitiriza okuva ku kutegeezebwa ebyo byabalina okuweebwa nga tebannaba kukunnaana okussa emikono ku ndagaano ez'okuliyirirwa.
- Wabula, eyakosebwa asobola okusalawo okussa omukono ku ndagaano y'okuliyirirwa ku lunaku olw'okubategeeza ebyo byebateekeddwa okuweebwa singa abaeera ategedde bulungi era n'akkiriziganya n'ebiri mu ndagaano.

# Obuyambi obuliwo eri abo abaakosebwa pulojekiti

## Obuyambi buno wammanga bwebuweebwa oyo yenna eyakosebwa pulojekiti singa aba abwetaaze:

- Okuweebwa amagezi okuva eri omuntu omulala ku biri mu ndagaano (weekuli mu kiseera eky'enkunnaana ez'okutegeeza abaakosebwa ebyo byebalina okuweebwa, mukiseera ekya wiiki 2 eky'okwefumiitiriza era ne mukiseera eky'okussa omukono ku ndagaano ez'okuliyirirwa).
- Okukyusa mu nnimi ennansi mukiseera eky'enkunnaana ez'okutegeeza abaakosebwa ebyo byebalina okuweebwa wamu n'okussa omukono ku ndagaano ez'okuliyirirwa.
- Kkopi z'endagaano ez'okuliyirirwa ezikyusiddwa mu nnimi ennansi zakubaawo era zekennenyezebwe abo abaakosebwa.
- Wajja kubaawo ekibinja okuwandiika n'okugonjoola enkaayana.



**EACOP PROJECT IN UGANDA**
TEAM - TotalEnergies East Africa Midstream,
Course View Towers, Plot 21, Yusuf Lule Road,
P. O. Box 34867, Kampala-Uganda
Tel: 0800 216 500 (Toll Free) or +256 (0) 204 916 000
Email: EACOP.info@totalEnergies.com.

**EACOP PROJECT IN TANZANIA**
TEAM -TotalEnergies East Africa Midstream,
Msasani Peninsula, 429 Mahando Road, Block D,
P.O. Box 38568, Dar es Salaam-Tanzania.
Tel: 0800 780 068 (Toll free) or +255 22 2214100/4102/4103
Email: EACOP.info@totalEnergies.com Website: www.eacop.co.tz